Ecolebooks.com

*P360/3*
*Luganda*
*Paper 3\3 hours*

UGANDA ADVANCED CERTIFICATE OF EDUCATION

MOCK EXAMINATIONS 2016

LUGANDA

(ENGERO ENJIIYE, PULOOZI, EBITONTOME N'EMIZANNYO)

OLUPAPULA OLWOKUSATU

(ESSAAWA SSATU)

***Ebigobererwa:***

- Olupapula luno lugabanyiziddwamu ebitundu A,B ne C
- Mu kitundu a kolamu ekibuuzo kimu
- Mu kitundu B kolamu ebibuuzo bibiri (2); nnamba 5 ekya Puloozi n'ekirala kimu okuva mu bitontome.
- Mu kitundu c kolamu ekibuuzo kimu.

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON **ECOLEBOOKS.COM**

Ecolebooks.com

**EKITUNDU A:**

Ddamu ekibuuzo kimu (1) okuva mu bikuweereddwa mu kitundu kino.

**M.B.NSIMBI: Bwali Butamanya**

1. Weesigame ku lugero olage ebintu ebikulu omuwandiisi by'ayagala okutumanyisa ku bufumbo. (obubonero 25)

2. "………..Ffe wano tetufuka magezi mu mwana nga bwe bafuka omwenge mu kita. Omwana tumuyamba buyambi okwongera ku magezi ge amazaale…………."

   (i) Ani ayogera ebigambo bino era mu ssuula ki? (obubonero 02)
   (ii) Omwana ayogerwako wano laga engeri gy'atayongerwako ku magezi ge amazaale mu kifo awoogererwa ebigambo bino. (obubonero 11)
   (iii) Agambibwa ebigambo bino ye afuba atya okwongera ku magezi amazaale ag'omwana ayogerwako? (obubonero 12)

**E.K.N.KAWERE: ZInunula Omunaku**

3. Laga engeri omuwandiisi gy'asinze okwetoolooleza obunkenke ku kufa mu lugero lwe. (obubonero 25)

4. "………..bwe yayogera kino ne mmanya ng'akabi kasembedde, wabula ye nga yali tannayagala kumbuulira; mpozzi ng'atya okuntiisa n'okunneeraliikiriza…"
   (i) Ani ayogera ebigambo ebyo era bisimbuddwa mu ssuula ki? (obubonero 03)
   (ii) Ayogerwako mu katundu kano azimbiddwa atya mu lugero? (obubonero 11)
   (iii) Bintu ki ebiba byakabaawo ng'ebigambo bino tebinnayogerwa? (obubonero 08)
   (iv) Kabi ki akaba kasembedde? (obubonero 03)

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM

Ecolebooks.com

**EKITUNDU B:**
**PULOOZI**

5. Soma ekitundu kino wammanga n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ebikikwatako.

Abaalugera nti ebirwa bikyuka amalusu gafuuka engeregeze, ddala baalutuusa. Kale kaakano laba nze eyalina amaka agabuguma newankubadde saali nnigi, kati nninga gwe bagamba kaamukujje era ddala nnamutinda. Enkerembe zange ensi yazigabana dda ne Nambejja Ssenkaaba n'amwezza Enkoba z'omubiri zonna zireegulukuse, ennyingo zitadde n'amagumba gakubagana nga bbunwe w'omukkovu. Ntuula era nsituka nkekejjana bukekejjanyi n'amagulu kambwano nsejjeza asatu.

Ekyenyi emiziziko gikyefuze gikirako egy'ensaamu esaaka n'enviiri nazo gy'obeera nti wamma buyira bwa jjobyo! Bw'ontunuulira nga nno njogera,nkirako abaana gwe bayeeyereza nti y'abaamulira enkuba yaabwe so ng'ate bwe mba ndya mbulako katono okufaananira ddala lye bagereesa (ekkovu) erirya akatiko. Kati ndi nkabaggwa, nkanduse nnyaaluse era nkaddiye.

Musajjawo eyali nga ssettaala mu lutobazzi kati mendabenda bubenzibenzi n'omugongo gulinga muyini gwa nkumbi. Amaaso gazzeeko ebiranda n'agekiriga gadda ku bbali era ntunula buzeezengere. Eyali kabirinnage, nzenna ncucuse n'omubiri nsumise gwa kikalaba. Owaa anti ataakulaba….! Ddala kakulu asomba.

Bwemba neesumaalise, neewunise mu gombolola w'ennyumba yange n'okuwuuma ng'ewuuma, era nga neetoziirira ku ntidi yange sirina ankumaakuma yadde ambudaabuda, ebirowoozo binneesomba. Emmeeme yange erwejjemba n'etolontokera eyo ekkuzimu mu bunyomero bw'ebisegguusi by'ebiseera ebigenda bizigama n'okuzimirira. Ntera okwewuunya nga n'okwebuuza kwe ntadde, ekyandesa awo omulimu gwe nasomerera ogw'eddembe ate nga n'omukemba tegwali gwa lusuluuju oba culuculu male neesogge guno ogwa leebuleebu ne wenjuwenju og'wobwa mbega. Omulimu ogwanjaya omubiri , embavu n'ebirowoozo okutuusa jjo luno lwe ngunnyuse nga ngukulunguliddemu ddala emyaka asatu be ddu.

Simanyi oba yali kabuvubuka ye yali ampaga oba kwali kwagala kuwoolera ggwanga ku baatugumbulira Fiida mu maanyi bye byandobera okusooka okukengeera n'okulengera ekizikiza ne kateketwe ebyali byekiise gye nnali ŋŋenda okwefubitika! Sso nno

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM

ng'ekkwano lyaffe, ettinkizo byali bizzeemu enkenyera era nga bitandise okusebbuuka n'okuseerera Fiida amale atuve ku maaso, ng'entabwe esibuka ku mukukku gw'ebbaluwa gye yali ankulubulidde.

Wabula ndowooza nti oboolyawo nga zaali mboozi za Kasooba n'obugambo bwe yatunwenwekanga nga tuli bato ng'asavuwaza obulungi n'emiganyulo ebyali mu bwambega, ebyo bye byafuuka omubumbirano okwatonderwa obwambega mu bulikondo bw'emmeeme yange. Ebyagwawo byatengula na kubennanya bubennanya ekyali kigoneredde muli era byakwata ku mmanduso a – ng'ekintu kyedoma nga mbwetutubika.

*(Kisimbuddwa mu Omuzimu gwa Kasooka aka E.K.N. Kawere)*

**Ebibuuzo**

(i) Nyonnyola ku lulimi omuwandiisi lwe yeeyambisiza okusobola okutuusa obubaka ku basomi be. (obubonero 08)

(ii) Bukodyo ki omunyumya bw'akozesezza okusendasenda omusomi okumunakuwalirako? (obubonero 08)

(iii) Omunyumya azimbiddwa atya mu kitundu kino? (obubonero 06)

(iv) Bino wammanga birina makulu ki okusinziira ku kitundu ky'osomye?
- Enkerembe zange ensiyazigabana dda
- Nambejja Ssenkaaba n'amwezza. (obubonero 03)

6. Soma ekitontome kino wammanga n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.

ABAASOMA MWAFUUKA MIZINDAALO GYA BAZUNGU

Kyebaava bannonda okukulira abawala,
Nail mwana wa mpisa nnungi,
Ekiwato kyange nga kigonvu,
N'eddoboozi lyange nga lya ttendo,
Nga sseeneekerevu ebitalojjeka.
Bwe nabanga nsa obulo

Ecolebooks.com

Oba nga eŋŋnda emugga
Nga nnina obuyimba bwe nkooloobya
Buli eyampuliranga n'amegerera.
Na buli kati
Abantu b'e Payira bakimanyi
Nti mu kulya mu ndago tewali ampunyamu,
Kubanga eddoboozi lyange sseenekerevu,
Liwoomera buli aliwulira,
Anti liri ng'ery'akanyonyi ***Ogilo***
Akayimba ng'enjuba egolooba.

Kati nno ye Ocol agamba
Nti sikyalina mugaso,
Ndi nga ekiyubwe ky'omusota;
Ate bw'ava awo n'agamba
Nti ndi nga akabwa akato
Akalwadde olukuku.

Ocol asiiba akiddiŋŋana
Nti takyanneetaagirako ddala
Kubanga simanyi kukuba gita,
Nti n'amana ag'ekigwagwagwagwa
Abaasoma Oluzungu ge bazina,
Nago sigamanyi.

Ekirala ekimunkyaya,
Nziimuula ebiyimbayimba byabwe
Bye bazinirako amazina gaabwe gano.
Obutamanya bwe baseetula bigere nga bazina,
Nagwo musango mukulu,
Era gunvumya olutatadde.

Omusango omulala,
Gwa butamanya nnyimba eziri ku g*ulamufoomu*,
Ate waliwo n'ogw'obutamanya kussaako *leediyo*.
Ate bw'ava awo n'annyombesa
Olw'obutamanya Luswayiri wadde Oluganda.

Bye biki ebyo byadongwa nabyo?

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON **ECOLEBOOKS.COM**

Omusajja agudde eddalu?

Omwami wange takyampuliriza,
Yagaana okunzikiriza okwennyonnyolako,
Era ekkubo erijja ewange
Yalisuulamu emisanvu.
Kyokka tambuulira nsonga
Kwasinziira okunziruka.
Bwe mmugambako awoggana buwogganyi
Yenna n'aba nga ensowera eziri ku bbi,
Nga waliwo azsikanze.
Omusajja wange agamba
Nti yantamwa takyayagala
Kubanga amannyo agamu nagaggyamu,
Mbu kati omukazi amulya omutwe
Amannyo ge gonna mu kamwa mwegali.
Kale ekyo ani yali akiwuliddeko?
Omwana wa boowo
Abeera n'akamwa akajjudde amannyo,
Nga ak'abaddu n'abawambe?

**Ebibuuzo**

(i) Nokolayo ebintu bina (4) mu kitontome ebikakasa nti omutwe ogukiweereddwa gukituukirako. (obubonero 08)
(ii) Nyonnyola ku lulimi omutontomi lwe yeeyambisizza mu kitontome. (obubonero 08)
(iii) Sitanza esooka etuggyirayo buzibu ki Ocol bw'alina? (obubonero 03)
(iv) Nyonnyola ku nzimba ya sitanza mu kitontome kino. (obubonero 06)

7. Obukugu bwa Okot p'Bitek bweyolekedde butya mu lulimi lw'akozesa? (obuboneero 25)
8. **F.M.MASAGAZI: Mpaawo kitakya**.

**ASIKA ASIKE**

*Anti, olwo ndi mu kunoonya omusono gwe*
*na goberera nga nnyumya ensi nga bwe girabye.*

Buli asika asike, ensike ensike zirwa?
Ddala ensiko z'essenke zisikirwa?
Asika mu tuumbi, n'oyo mu ssana
Mu nkuba engere, abandi mu mpewo

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON **ECOLEBOOKS.COM**

Olulala mu ssanyu, oluusi mu nnaku
Bonna basika?

Ow'omuttumbi n'asika, n'adda mu bbirya!
Abaganda be abato, ne bayaaya mu nnaku
Bannyina ddala, asindika gye bawaswa
Olwo ali mu bbirya, yeekkuse ennusu!
Mbu olwo musika, asikira ki?
Ffenna tusike?

Mu nkuba ekuba, n'oyo n'asika
Bw'amala ossika, n'amanya afunye
N'asala eggezi, n'adda ku nsike
N'afuna ennusu, ng'ali ku nsike
Abandi n'alumya, abalemwa ossika
Kyenva nno mbuuza, wattu eyasika
Naffe tusike, ensika ziba bbiri?

**Ebibuuzo**

(i) Obukugu bw'omuwandiisi bweyolekedde butya mu kitontome? (obubonero 08)
(ii) Omuwandiisi ali mu mbeera ki era lwaki? (obubonero 05)
(iii) Bintu ki ebifudde ekitontome kino ekinyuvu? (obubonero 10)
(iv) Makulu ki agali mu nnyiriri zino?
- Bannyina ddala asindika gye bawaswa
- Mbu olwo musika, asikira ki? (obuboneero 02)

9. Obukugu bwa F.M Masagazi mu kutontoma bweyolekedde butya mu kitabo kye Mpaawo Kitakya? (obubonero 25)

**W. KIYINGI: Lozio Bba Ssesiria**

10. "……………(Asituse akutamye akutte ku maviivi) Nga nze omwami (aseka). Mukyala wange azze. Mulingize omulabe; yali mukazi mulungi. Kukula kwe kumulibudderibudde kutyo"

(i) Ani ayogera ebigambo ebyo era mu kitundu ki eky'omuzannyo? (obubonero 02)
(ii) Agambibwa okulingiza azimbiddwa atya mu muzannyo? (obubonero 10)
(iii)Abali mu mboozi eno nsonga ki eba ebaleese we bali? (obubonero 02)
(iv)Gwe balingiza wano atuggyirayo nneeyisa ki ez'abantu mu bulamu obwabulijjo? (obubonero 11)

11. Nga weeyambisa ebyokulabirako laga engeri ekitonde ekisajja gye kigyolongeddwa mu muzanyo. (obubonero 25)

**E. KYEYUNE: Bemba Musota**

12. "……(Nga beeyala mu maaso ge) Ndi mwetegefu Ssaabasajja. Wangala; w'oligwa we ndigwa. Ondabiranga ddala. (Bagenda baddiriηηana)

(i) Ani ayogera ebigambo ebyo era lwa nsonga ki? (obubonero 03)
(ii) Laga ebikolwa by'abawera wano engeri gye bikontana n'okuwera kuno oluvannyuma mu muzannyo. (obubonero 12)
(iii) Abantu bano tubayigirako ki mu bulamu? (obubonero 10)

13. "Omuzannyo Bemba Musota gwekuusa ku byafaayo bya Buganda ebyedda ennyo" Kakasa endowooza eno n'ebyokulabirako okuva mu Katabo. (obubonero 25)

***END***

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM